# URA esolooza omusolo ku ssente z'ebibiina by'abantu abatereka okwekulaakulanya?

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo-olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.

**URA nsaba kutuyamba, kuba tulina akabiina kaffe ku kyalo mwe tuzze tutereka ssente okuva mu January okutuuka mu December. Bwe twatuuse okugabana, ssentebe yatugambye nti mwamutemyeko omusolo gwa kakadde kalamba. Kino kisoboka ng'ekibiina kyaffe si kiwandiise mu mateeka?**

Ekibiina oba bizinesi yonna nga si mpandiise ku musolo, terina musolo gw'esasula mu kiseera ky'emala mu mbeera eyo. Noolwekyo, ssentebe yeetaaga okubalambululira ku kika ky'omusolo kye yaggyidwaako. Bwe wabaawo ekitategeerekese bulungi, tuukirira ofiisi ya URA ekuli okumpi.

**Juliet Ahabwe e Isingiro – Ekitongole kya URA nakyo kiwa omusolo oba balina ekisonyiwo?**

Ekitongole kya URA tekikola bizinensi kufuna magoba, wabula kyatondebwawo kukung'aanya musolo



Abakyala mu lukiiko lw'ekibiina nga bawandiika ebiteesebwa ku kwekulaakulanya. Mu bibiina mubeeramu okukung'aanya n'okugabira bammemba ssente (ku ddyo).

oguweerezebwa mu ggwanika ly'eggwanga. Kyokka ekitongole kino kisobola okutunda ebyamaguzi ku nnyondo n'ekigendererwa ky'okununula omusolo. Mu mbeera endala, ekitongole kiggya omusolo ku musaala gw'abakozi baakyo ne gusindikibwa mu ggwanika ly'ensimbi z'eggwanga.

**Emabega akakiiko ka Palamenti aka COSASE keemulugunya ku ngaba y'emirimu mu kitongole kya URA etewa mukisa bantu ba bitundu byonna ebya Uganda. Ensonga eno mukoze mutya okugitereeza?**

URA kitongole ekigaba emirimu nga kiyita mu mitendera egijjudde obwerufu. Emirimu gino girangibwa nga tuyita mu mikutu gy'amawulire egy'enjawulo, abalina ebisaanyizo ne bassaamu okusaba kwabwe. Okugezesa okwenjawulo kukolebwa okusunsula ababa bataddemu okusaba. Bano bayisibwba mu kakung'unta ne muggyibwamu abanywedde akendo mu bannaabwe. Emirimu gino gigabwa awatali kusosola mu kikula kya muntu, eddiini, eggwanga oba ensonga endala yonna.

**Ismail e Kabagambe : Mu mbeera eri mu ggwanga nga bizinensi zigwa lwa misolo, nga URA mulowooza ku ky'okukendeeza emisolo ku bintu?**

Mwami Kabagambe, bizinensi zitandika okusasula omusolo ku nnyingiza nga zisussa ettunzi lya bukadde 10 omwaka oba nga zitandise okukola amagoba, kasita oba ng'otuukirizza obuvunaanyizibwa bw'okutusiigira ekifaananyi kya bizinensi yo ng'oyita mu kussaamu litaani, nga kino kikolebwa buli mwaka. Mu Uganda, bizinensi tezigwa lwa musolo gwokka. Omusolo ku nnyingiza gusasulwa ku magoba, noolwekyo

## BUUZA KAMISONA



Akulira URA, Musinguzi.

kapito wa bizinensi takwatibwako. Ng'ekitongole, tulowooza nti ssinga buli muntu asasula omusolo gw'alina okusasula, ekiseera kijja kutuuka tukendeeze ku musolo.

**Waliwo abantu abatera okutulumba nga beeyita bakozi ba URA kyokka nga tebalina biboogerako. Tukakasiza ku ki nti si bafere?**

Omukozi wa URA omutongole yekka y'ateekeddwa okujja ku bizinensi yo ku nsonga z'omusolo, era ateekeddwa okuba n'ebimwogerako nga Identity Card y'omulimu ng'eriko akafaananyi ke ne ky'akola mu kitongole. Ebiseera ebimu abakozi bongerezaako okuba ne yunifoomu okuwandiikiddwa amannya gaabwe. Bw'oba weekengedde omuntu yenna, tukubire ku ssimu; 0772142075, ojja kuyambibwa.

## Kiva ku ki okutubanja omusolo ku bintu bye tutalina?

**Kiva ku ki omuntu okufuna obubaka bwa URA nga bakubanja ssente z'amayumba ng'ate togalina?**

Ebiseera ebisinga bwe tuba



Ono ng'aggulawo obubaka obwamuweerezebwa ku ssimu.

tukuwandiisa ku musolo, tukusaba okututegeeza ekika ky'ennyingiza. Bwe weesanga nga waliwo awaakolebwa ensobi, kyalira ofiisi ya URA ekutwala, ensonga eyo etunulwemu, bw'osangibwa nga tolina nnyingiza eyo, TIN yo yaakukolebwamu ennongoosereza (amendment), ennyingiza y'obupangisa eggyibweko, tulekeko entuufu.

Wano, teri bubaka bw'ojja kweyongera kufuna ku nsonga eyo. Embeera eno bw'etekyukako, tukubire ku nnamba zaffe ezitali za kusasula okuli 0800117000 oba 0800217000, ojja kuyambibwa.

## Babbulooka b'amayumba n'ettaka nabo bawa omusolo?

**Bashir Kanaakulya : Omuntu ali mu mulimu gw'obwabbulooka w'amayumba n'ettaka alina kusasula misolo ki, kuba ffe abamu twakayingira bizinensi.**

Mwami Kanaakulya, omuntu ali mu mulimu gw'obwabbulooka w'ettaka n'ennyumba afaanana omulala yenna eyeenyigira mu bizinensi. Bw'oba okola omulimu ogwo, osuubirwa okwewandiisa ku musolo, okukuuma ebiwandiiko n'okussaamu litaani ku nnyingiza. Bw'otandika okukola amagoba oba okufuna ennyingiza esukka obukadde 10 mu mwaka, osuubirwa okutandika okusasula omusolo ku nnyingiza (Income Tax).

**Muwagidde mutya abasogola omwenge Omuganda kuba kirabika baddiridde nnyo ate nga kyakunywa kya buwangwa?**

Abasogozi b'omwenge Omuganda basabibwa okwewandiisa ku musolo, batuukirize n'obuvunaanyizibwa bwabwe. Ng'ekitongole, tutegeka emisomo n'ekigendererwa ky'okubasomesa ku nsonga ez'enjawulo nga kwe kuli n'engeri gye basobola okuddukanya bizinensi zaabwe, ekintu ekijja okubayamba okuyimirizaawo bizinensi, olwo bakulaakulane.

**Lwaki Bamusigansimbi naddala abagwiira mubasonyiwa omusolo, kyokka bannansi ne mubabinika emisolo emiyitirivu mu bizinensi zaabwe?**

Bamusigansimbi tebabalibwa nga bagwiira bokka, wabula ne Bannayuganda basobola okugwa mu ttuluba lino. Ekifuula omuntu okubeera musigansimbi, kwe kusobola okuweza kapito w'okussa mu bizinensi eziba zikkirizigany-iziddwaako, ekitundu bizinensi mw'eteereddwa n'ekika kyayo. Noolwekyo, omuntu yenna k'abe Munnayuganda asobola okuganyulwa mu kusonyiyibwa omusolo bw'aba atuukirizza ebisaanyizo.